



Okumanyiira eddagala kyeki?

Omuntu bwakwatibwa akawuka kamukenenya, akawuka kayingira mu mubiri gw'omuntu n'ekatandiika okwekubisamu.

Eddagala erikozesebwa okujjanjaba mukenenya liyitibwa antiretrovirals(ARVs).Bwerimiribwa obulungi, ARVS zikomya akawuka okw'ekubisamu era kiyamba abantu abalina akawuka kamukenenya okuwulira obulungi era n'okuwangala .Okumira eddagala lya ARVs obulungi kitegeeza okumira edaggala ery'ebika ebyenjwulo 3, kubanga kitwalira ebika bye ddagala ebissuka mu kimu okukomya akawuka ka mukenenya okwekubisamu.



Wabula,Eddagala erijanjaba akawuka kamukenenya teritukiridde era ebisera ebimu terisobola ku komya buwuka bwa mukenenya bwonna kwekubisamu.Kino bwekibawo, akawuka kamukenenya akasobola ogenda mu maaso nga kekubisamu kayitibwa “akamanyidde eddagala”.



Lwaki akawuka kamukenenya okumanyiira eddagala (ARVs) kizibu?

Akawuka kamukenenya bwe kamanyiira eddagala, omuntu aba yetaaga okulekerawo okumiira eddagala erijanjjaba akawuka ka mukenenya eritakyasobola mukolako era n'attandike okumira eddagala eriwezeza akawuka ka mukenenya ery'ekika ekilala .N'olwensonga eyo,omuntu alina akawuka kamukenenya akamanyidde eddagala aba asigaza eddagala tono eriwezeza akawuka kamukenenya lyasobola okumira okubayamba okubeera obulungi Okwongerako,basobola okusiiga abantu abalala akawuka akamanyidde eddagala.

Lwaki akawuka okumanyiira eddagala erikaweweza(ARVs) ky'ansonga mu kunoonyereza kuno?

Akaweta k'omubukyala kalimu eddagala eriwezeza akawuka kamukenenya eriyitibwa Dapivirine.Dapivirine likozesebwa mu kuziyiza akawuka ka mukenenya kwoka era takozesebwa ku kujjanjaba bantu abalina akawuka ka mukenenya. Wabula, singa omukyala akwatiba akawuka ka mukenenya nasigala nga akozesa akaweta, akawuka mu mubiri kayinza okumanyiira addagala lya dapivirine n'eddagala eddala eriwezeza akawuka kamukenenya(ARVs) erilyefananyirizaako erikozesebwa mu kujanjaba akawuka ka mukenenya oba mu kuziyiza maama okusiiga omwana we akawuka ka mukenenya.

Tusobola tutya okwewala akawuka ka mukenenya okumanyiira eddagala erikaweweza (ARVs) nga wetaba mu kunooyereza kwa HOPE?

1. **Wewale okufuna akawuka ka mukenenya:** akawuka okumanyiira eddagala eriwezeza(ARVs) akawuka ka mukenenya tekusobola kubeera mu muntu atalina kawuka kamukenenya..Ebintu bingi by'oyinza okukola okukeendeza emikisa gy'o kufuna akawuka ka mukenenya.

- Kozesa akaweta ka dapivirine ak'omubukyala buli kiseera.
- Kozesa obupiira bu kalimpitawa mungeri entufu buli kiseera bwewegatta nemuganzi wo.
- Kozesa eddagala erimiribwa eriziyiza okufuna akawuka ka mukenenya, PrEP (nga Truvada).
- Kendeeza ku muwendo gw'abantu bewegatanabo mu by'omukwano.
- Wenyigire mu nkola ez'okwegatta ezalinanyo bulabe.
- Bw'oba olina endwadde eziyitira mukwegatta,funa obujanjabi.
- Muganziwo mukubirize okwekebeza akawuka ka mukenenya.
- Singa muganziwo alina akawuka ka mukenenya,mukubirize okumira obulungi eddagala lye eriwezeza akawuka ka mukenenya(ARVs).

➤ *Buuzi akubudabudda ku katabo akalimu“amawulire agakwata ku ngeri ez'okuziyizamu akawuka kamukenenya” oyongere okumanya ku ngeri zino*

2. Funa okukeberegwa kw'akawuka kamukenya buli kiseera. Okukebera akawuka ka mukenenya kujja kukolebwa buli lukyala lw'okunonyereza. Olina era okujja mu kiliniika okukeberegwa akawuka ka mukenenya singa olowooza nti oyinza okubaa nga wafunye akawuka kamukenenya wakati we nkyalazo. Singa okukebera kulaga nti olina akawuka ka mukenenya, kyamugaso amanguddala okulekerawo okukozesa akaweta k'omubukyala okuyamba okuziyiza akawuka okumanyira eddagala. Singa oyosa enkyala z'okunonyereza, Nakyewa ayinza okufuna akawuka kamukenenya ngatamanyi ate nasigala nga akozesa akaweta. Kino kiyinza okuletera akawuka ka mukenenya okumanyiira addagala elimu erikaweewezako elya ARV.

3. Togabana n'abalala buweta bw'omubukyala: Banakyewa mu kunoonyereza bakeberegwa kuby'obulamu bwabwe bulikiseera era n'okukeberegwa akawuka ka mukenenya. Abantu abatali mu kunoonyereza tebafuna kukeberegwa kuby'obulamu bwabwe kuno. Abantu bano basobola okubera nakawuka ka mukenenya nga tebakimanyi. Singa abantu abalina akawuka kamukenenya bakozeza akaweta, kino kiyinza okuleeta akawuka okumanyira eddagala elimu erikaweweza (ARVs).

Abakozi mu kunoonyereza webali okuyamba.

Abakozi mu kunoonyereza webali okutegeeza era n'okukubudabudda banakyewa mu kunoonyereza, baganzi babwe, n'abantu abalala ab'omubitundu kubikwata ku kawuka kamukenenya okumanyiira eddagala era n'ebibuuzo oba n'ebizibu byebayinza okuba nabyo.

Singa olina ebibuuzo oba wetaaga amawulire agasingawo, mwattu kyalira kiliniika yo kunoonyereza:

MU-JHU Research Collaboration/ MUJHU CARE LTD
P.O.BOX, 23491
Upper Mulago Hill Road
Kampala, Uganda
TEL: 0414 541 044



Out of ASPIRE, there is HOPE

Amawulire agakwata ku kawuka ka mukenenya Okumanyiira eddagala

